OKWOGERA KW'OMUTAKA NAKIREMBEKA ALAN WALIGGO, OMUKUBIRIZA W'OLUKIIKO LW'ABATAKA BOOBUSOLYA, ABAKULU B'EBIKA MU BUGANDA, ERI OLUKUNG'AANA LWA TTABAMIRUKA 2007, MU KIBUGA NEW JERSEY/NEW YORK EKYA AMERIKA, 2nd/9/2007.

- Yita mu "Protocol" y'olukung'aana (kola olukalala "on-the-spot.")

- Mbasaba tusooke tuweeyo ekiseera tujjukire abasajja n'abazaana ba Ssaabasajja Kabaka abatuvudde ku maaso mu nnaku zino ze tukubye amabega: Ssaabalangira eyawummula Omulangira John Mary Kanaakulya, eyazaamye ku ntandikwa ya wiiki eno eggwaako leero. Nga Ssaabalangira yali akiika mu Lukiiko lw'Abataka Boobusolya Abakulu b'Ebika. Omukungu Gerosemu Nkonge eyatugenzeeko ku nkomerero ya wiiki eno ewedde, wamu n'abasajja n'abazaana ba Ssaabasajja Kabaka abalala abatuseereddeko mu nnaku zino. Tusaba Mukama abagenzi abalamuze kisa, n'emyooyo gyabwe agiwe ekiwummulo ekyemirembe. Amiina. **Gutusinze nnyo Ssaabasajja.**

- Ntegese emitwe **6** mwe ng'enda okuyita okubatuusaako obubaka bwange ng'Omukubiriza w'Olukiiko lw'Abataka Boobusolya Abakulu b'Ebika mu Buganda: 1. Okwanjula. 2. Ebyobuwangwa. 3. Ebika. 4. Ebizibu. 5. Ebyetaagisa. 6. Okuwumbawumba.

Omutwe 1. OKWANJULA

Nnina essanyu lingi nnyo okwetaba mu lukung'aana luno olwa Ttabamiruka 2007 nga nkiikiridde Bajjajjammwe Abataka Boobusolya Abakulu b'Ebika mu Buganda. Abataka bantumye okubalaba era bansabye mbeebaze nnyo olw'omulimu omunene gwe mukoze okutegeka n'okwetaba mu lukung'aana luno olweekitiibwa olutugasse awamu ffenna Abaganda, tumanyagane era tukubaganye n'ebirowoozo ku ngeri gye tuyinza okwezza obuggya n'okwekulaakulanya mu Bwakabaka bwa Buganda.

Mwebale nnyo mwebalire ddala okwagala Nnyaffe Buganda ne Kabaka waffe Empologoma ya Buganda. Temuggyang'okwo.

Nga nfukamidde wansi:

Ssirema kwebaza nnyo nnyini ddala Mukama Wange Ssaabasajja Kabaka Ssaabataka, Ronald Muwenda Mutebi II, olw'okusiima najja mu kibuga New York ekya Amerika okuggulawo n'okwetaba mu lukung'aana luno olwa Ttabamiruka 2007.

Twebaza Katonda Omulungi Oweekisa olw'okuyisa Ssaabasajja Kabaka Ssaabataka mu bwengula, era tumusaba atubeere Bbaffe amukuumenga.

Ntuusa okusaasira kwaffe Bajjajjammwe eri abazzukulu baffe mwenna abali mu Amerika ne mu mawanga amalala abagudde ku bizibu ebitali bimu omuli ebyokufiirwa, ebyokulwala, ebyemirimu, ebyamaka n'ebirala ebiri ng'ebyo. Mukama abasibe ekimyu, abagumye abawe amaanyi ag'okuvvuunuka ebizibu byonna ebibatuukako. Buli eyeesiga Mukama alina omukisa.

Kituzzaamu nnyo amaanyi bwe tulaba nga bazzukulu baffe, naddala mmwe abali ku mawanga, musigadde nga mukyayagala nnyo Nnyaffe Buganda ne Bbaffe Bbeene, era nga mukyajjumbira nnyo ebyobuwangwa byaffe omuli Ebika, ne mufissaawo obudde, ne mwerekerezza emirimu, ne musasula n'ensimbi okutusobozesa okutuula wamu ng'Abaganda okwogera ku nsonga ezituluma wamu n'ebyo bye tuluubirira ne bye tutuuseeko. Mwebale nnyo mwebalege.

Ng'omulamwa gwa Ttabamiruka 2007 bwe guli, *Buganda Nnyaffe eyedda, leero n'enkya,* tusaana tukozese omukisa gw'olukung'aana luno, tunyweze ebyobuwangwa byaffe omuli Ebika n'ebyo bye twettanira, tuwanyisiganye n'ebirowoozo ku ngeri gye tuyinza okwezza obuggya n'okwekulaakulanya mu Buganda nga tuyita mu Bika byaffe. Kitugwanidde era okukozesa omukisa gw'olukung'aana luno, tunyweze obumu bwaffe n'okwagalana ng'Abaganda. Obumu, okwagalana, n'okukolaganira awamu obulungi, tubyetaaga nnyo mu lutalo lw'okutaasa n'okukuuma Ekitiibwa kya Nyaffe Buganda eyedda, leero nenkya.

Omutwe 2. EBYOBUWANGWA

Katonda eyatutonda yatuwa ebyobuwangwa omuli ennono, obulombolombo, empisa n'emikolo ebyawula eggwanga erimu ku ddala. Buli ggwanga Katonda yaliwa ebyobuwangwa ebyalyo … nga obulambe.

Tetwazza musango gwonna okuba Abaganda kubanga si ffe twesalirawo okuba Abaganda. Twesanga bwesanzi nga Mukama atutonze tuli Baganda. N'olwekyo tekirina kutukwasa nsonyi, oba okututiisa, okutuulanga ne twogera ku nsonga zaffe n'ebituluma ng'Abaganda. Nyaffe Buganda tulina okumwenyumirizaamu n'okumweyagaliramu kubanga waffe wa bwebange, Katonda ye yamutuwa. Ekyo si kya kuteesaako; kyaffe kya bwebange, kyaggwa, kyaggwa.

Kino kankiddemu: Katonda eyatutonda yatuwa ebyobuwangwa omuli ennono, obulombolombo, empisa n'emikolo ebyawula eggwanga erimu ku ddala. Buli ggwanga Katonda yaliwa ebyobuwangwa ebyalyo - "Period!"

Ennono zaffe zizingiramu obuzaale, olulimi oluganda, n'ebyobugagga ebyenjawulo.

Mu buzaale mwe muli ensibuko, omuziro, akabbiro, omubala, obutaka n'ebirala.

Olulimi kya buwangwa eky'omuwendo omuyitirivu eri eggwanga lyonna mu nsi. Kye tuva tubakubiriza bazzukulu baffe mmwe, mufubenga nnyo okulaba nga muyigiriza abaana bammwe olulimi oluganda awamu n'okulwogeranga n'abo buli kiseera. Atalina lulimi, talina "identity!" Abaana bammwe mubagulire ebitabo ebiwandikiddwa mu lulimi oluganda babisome, wamu n'ebitabo ebitukuvu ebiwandiikiddwa mu luganda n'abyo mubibafunire babisomenga buli lunaku.

Ebyobugagga tulina bingi omuli ettaka, ebibira, enyanja, emigga, entobazi, ebyobugagga ebikusike n'ebirala.

Obulombolombo ge mateeka n'emizizo ebikuuma Obuganda n'Obwakabaka. Obulombolombo butuyambye nnyo okukuuma omwoyo gwa Buganda negutafa okutuusa kaakano newankubadde nga tutuusiddwako ebikolwa eby'obulumbaganyi, okunyigirizibwa n'okufutyankibwa emirundi n'emirundi, emyaka n'emyaka.

Empisa zaffe ezeekitalo zeewuunyisa nnyo n'abazungu ne basigala nga bawuniikiridde! Na guno gujwa, ne Bannayuganda bannaffe ab'amawanga amalala batwewuunya empisa ezaatuusa Nnyaffe Buganda okubeera yingini oba omutima gw'ebyenkulaakulana mu Yuganda yonna n'okutuusa kati.

Emikolo gyaffe egy'obuwangwa gitugatta n'etusigala nga tuli bumu ab'enda emu mu kutuukiriza ebyo Katonda eyatutonda byayagala tukole ku nsi. Singa twali tetutuukiriza mikolo gyaffe egyobuwangwa, ng'okwabya enyimbe n'emikolo emirala, awamu n'okutyanga Mukama ne Kabaka, kyanditubeeredde kizibu nnyo obutasanyizibwawo ng'eggwanga mu myaka emingi ennyo gye twamala nga nnabe azinze ekiswa okuva mu 1966.

Kye kivudde kisaanira era nga n'okuteekwa kiteekwa okukung'aana nga bwe tukoze mu Ttabamiruka 2007 okuteesa ku by'okunyweza ebyobuwangwa byaffe omuli Ebika n'ebyo bye twettanira, kubanga bwe tukola bwe tutyo tuba tutuukiriza obuvunanyizibwa obwatuweebwa Katonda omuli n'eky'okwerwanako tuleme kusanyizibwawo balabe baffe.

Obuvunanyizibwa obwo, obw'okwetaasa ng'eggwanga, bukulu nnyo gye tuli kubanga bwa busika obwatulaamirwa Bajjajjaffe ku lw'abazzukulu abaaleero n'abenkya. N'olwekyo bazzukulu baffe, mwebale nnyo olukung'aana luno.

Bajjajjaffe baalugera dda nti "omweyogereze takusuuza kayanzi ko!" Ebyobuwangwa byaffe si bibi; ababyelimbikamu ne bakoleramu ebyaabwe nga beefuula abatuukiriza ebyobuwangwa be babyonoona. Katonda ye yatuwa ebyobuwangwa byaffe – tetwayiiya biyiiye – n'olw'ekyo ebyobuwangwa ebituufu tebikoonagana na ddiini wabula bitambulira wamu. Waliwo n'abelimbika mu ddiini ne bakoleramu ebikolobero.

N'olw'ekyo, tusaana tubeere banywevu mu kwagala ebyobuwangwa bwaffe mu Katonda, nga tutya Mukama ne Kabaka, nga bwe kyawandiikibwa.

Nga sinnagenda ku mutwe ogwokusatu ogw'Ebika, waliwo ensonga gye njagala okuggumiza: Abaganda ffenna tulina okukimanya nti, **Obwakabaka, Katonda mw'afugira, era bw'ogezaako okunafuya Kabaka, olwo Katonda yennyini y'aba asigadde okukumenyaamenya. Bw'ova ku Kabaka, odda ku Katonda.**

Omutwe 3. EBIKA

Ebika byaffe bye bitufuula Abaganda, era mu Bika mwe tutambuliza n'okukuumira ebyobuwangwa byaffe ng'Abaganda.

Ssaabasajja Kabaka ye Ssaabataka, y'akulembera Ebika byonna mu Buganda, era okusalawo kwe, kwe kw'enkomerero ku nsonga zonna ez'Ebika mu Buganda.

Buli kika kirina Omutaka Owaakasolya, oweensikirano – si waakalulu – akulembera Ekika ng'ayambibwako Katikkiro w'Ekika, Abakulu baamasiga, abeemituba, abennyiriri, abempya n'abenju, wamu n'obukiiko bw'Ekika obw'enjawulo obuviira ddala ku kasolya k'Ekika okutuukira ddala ku nju ya buli muganda.

Okumanya Ebika byaffe bikulu nnyo era tusaana tubisuute nnyo, Ebika bitugatta ng'Abaganda ne tubeera bumu awatali kusosola mu ddiini, awatali kusosola mu ndowooza, awatali kusosola mu buyigirize, wadde mu nfuna, koobere mukazi, musajja oba mwana muto! Ebika tebisosola, era Abaganda tetuli basososze. Naye nno, obutabeera basososze, tekitulobera kubeera "n'akaffe kkye!"

Ebika kintu kya buwangwa ekitasangikasangika. Tutera okuwulira abantu abamu abakyusa enzikiriza zaabwe, ne bava mu ddiini emu nebadda mu ndala. Bo abakyusa endowooza zaabwe, ne bava mu ndowooza emu ne badda mu ndowooza endala, abo totawaana na kubala; bayitirivu obungi! Tutandise n'okuwulira, mbu, waliwo abeekyusa, abadde omusajja n'afuuka omukazi, n'abadde omukazi n'afuuka omusajja! Ensi tegudde eddalu?

Naye nno, ne bw'okola ssayansi eyenkana wa, tosobola kukyusa kika kyo, oba okwerondera Ekika kyo! Obuganda bika, era singa tetwalina Bika bya maanyi nga binyweevu okukamala, osanga Obwakabaka twandibadde twabufuuwa dda mu ng'ombe!

Kambawe ekyokulabirako ekisooka: Obwakabaka bwe bwaggyibwawo mu mwaka 1966, Ebika byaffe byo byasigalawo wadde nga waaliwo okugezaako okwamaanyi n'abyo biggyibwewo. Mu kugezesebwa okwamaanyi, Bajjajja Abataka baagenda mu maaso n'okutambuza n'okukuuma ebyobuwangwa byaffe omuli ennono, olulimi oluganda, obulombolombo, empisa n'emikolo egy'enjawulo, mu biseera ebyali ebizibu ennyo.

Nga wayise emyaka kumpi amakumi asatu ng'eddembe lyaffe ng'Abaganda lityobolwa nga ne Nnyinimu Nnamunswa bamuwang'angusizza e Bungereza gye yaggyira omukono mu ngabo, Bajjajja Abataka Boobusolya Abakulu b'Ebika mu Buganda be baali abagabe mu lutalo olw'okuzzaawo Obwakabaka obw'omulembe guno ogwa Magulunnyondo Lukomannantawetwa Cuucu Sseggwanga Empologoma Muzzang'oma, Ronald Muwenda Mutebi II, eyatikkirwa mu mwaka 1993 e Nnaggalabi, Buddo. Abazzukulu mujjukire, nti toyinza kuzzaawo kitabaddeewo.

Awo wetusaana okwebuuliza nti, tetwandisaze amagezi gonna getusobola okulaba nga Ebika byaffe tubifuula **yingini** eneetambuzanga eby'okwezza obuggya n'okwekulaakulanya mu Buganda, era entabiro y'Obwakabaka n'Obuganda? Tetwandisaze amagezi ago?

Ebyokulabirako ebitulaga obukulu obuli mu Bika byaffe nnina bingi naye olw'obudde obutono obwampereddwa, kannokoleyo nga bisatu byokka ebirala:

- Ekisooka, entegeka n'enduka y'Ebika by'Abaganda ya kyebonere mu ttuluba lino mu nsi yonna. Tulina amannya g'Ebika kwomanyira Ekika ky'omuntu wonna w'oba omusanze mu nsi, ng'erinnya lye likumanyisa n'oluganda oba oluse lw'olina ku muntu oyo.

- Ekyokubiri, mmemba yenna mu kika, ye ku lulwe ng'omuntu abeera wa Kika mu bulamu, mu kufa, n'oluvannyuma lw'okufa. Kuno kwe kwava abafu okuziikibwa ku biggya bya Bajjajjaabwe, okubbula amannya, n'ebyobuwangwa ebirala ng'ebyo.

- Ekyokusatu, Ebika byaffe bitugatta ku Kabaka waffe nga tuyita mu Bajjajja Abataka Boobusolya abatuuka obutereevu ewa Ssaabasajja Kabaka Ssaabataka. Kino kiri kityo olw'okutangira Abakungu ba Kabaka okuzinziika abantu be n'okumugaana okubalaba okumanya ebibaluma n'ebyetaago byabwe. Abantu b'Omutanda basaana baweebwenga omukisa okulabanga n'okulamusanga Kabaka waffe gwe twagala ennyo, lw'aba asiimye. Entegeka eno yeemu ewa abantu ebbeetu okuwabula Kabaka Waffe naddala ku bikwata ku by'empisa z'eggwanga lyaffe n'ebyobuwangwa bwaffe.

Entegeka y'Ebika byaffe eno gye twenyumirizaamu n'okusuuta yatulaamirwa Bajjajjaffe abazira abaatusooka, abaalabikirwa ku lw'obulungi bwaffe abaaleero n'abo abanaatuddira mu bigere. Buvunaanyizibwa bwaffe okubeezaawo amakula gano.

Tukoze tutya okutaasa, okukuuma, n'okukulaakulanya Nyaffe Buganda nga tuyita mu Bika byaffe?

Nga tetunaddamu kibuuzo ekyo, tusooke tutunuulire mu bufunze ebizibu bye tusanze.

Omutwe 4. EBIZIBU

Buly'omu waatudde musaba akube akafaananyi alowooze nnyo ku mbeera abantu ba Nnyinimu Nnamunswa, gye balimu naddala mu byalo: embeera ey'obwavu obusukkiridde, obulwadde, okusereba kw'omutindo gw'ebyenjigiriza, ebbula ly'emirimu, okunyigirizibwa, n'obwetaavu obungi obw'engeri ez'enjawulo. Embeera eyo, kusomooza kunene nnyo gye tuli Abaganda mu nsi yonna, n'eri abakulembeze ab'emitendera egy'enjawulo mu Buganda ne mu Yuganda, okulaba nga mu bwangu ddala tutema empenda mwe tunaayita okutumbula embeera z'abantu b'Omutanda.

Mu nsangi zino ez'amasang'anzira n'okuyuuga kw'Eggwanga lyattu Buganda, Bajjajjammwe tuli beelaliikirivu nti embeera eriwo mu Ggwanga esiikuula emmeeme z'Abataka ne bazzukulu baffe. Tuli bennyamivu nnyo olw'obutaddiza Buganda byaffe byonna mu bujjuvu, ebyobwebange ne bye twettanira, omuli ettaka, n'enfuga eya Federo ey'ekimmemmette, n'okutuusa kati. Kye tuva tubakubiriza bazzukulu baffe mwenna mu nsi yonna, mubeere bumu naffe Bajjajjammwe mu kulwanirira okutaasa n'okununula ebyaffe byonna bye tukuuma ku lw'abazzukulu baffe abaaleero n'abanaddawo.

Omulimu guno gwe tuliko ogw'okukuuma Ekitiibwa kya Buganda tegubeerangako mwangu era tegujja kubeera mwangu n'akatono. Tujja kusanga emisanvu mingi mu kkubo, naye tugigumire tugiyiteko nga Bajjajjaffe abazira abaatusooka bwe baaguma ne batuusa Buganda we twagisanga.

Tulina n'ebizibu ebirala nfaafa ebyomunda mu ffe kennyini Abaganda, ebigendererwa okukalubya wamu n'okulemesa omulimu gwe tuliko ogw'okwezza obuggya n'okwekulaakulanya.

Mu bizibu omwo mwe muli na bino wammanga - obudde tebumala kubimalayo byonna:

- Okusooka byonna, tulina obuzibu bw'okutunyooma n'okutuyisaamu amaaso ffe Abataka Abakulu b'Ebika. Olw'okuba nga bangi ku ffe tetulina nsimbi, twaasoma kitono, tukaddiye n'okukkaddiwa, bazzukulu baffe omuli Abakungu n'Abaami abamu tebatulabamu mugaso gwonna era tebatweetaagira ddala; baagala bagagga. Mulaba akabi akali mw'ekyo?

- Ekizibu ekyokubiri kye ky'obutamanya oba obutakkiririza mu kwawulamu ebituvunanyizibwa ng'Abaganda mu mitendera gyaffe egy'enjawulo, mu lungereza "Role definition." Omukungu wa Ssaabasajja n'alowooza nti y'anaakola egy'Omutaka, oba Omutaka n'alowooza nti y'anaakola egy'Omukungu! Mulaba obuzibu obuli mw'ekyo?

Abataka tuteekeddwa okukola ebituvunanyizibwa okukola nga twetongodde butereevu wansi wa Mukama Waffe Ssaabasajja Kabaka Ssaabataka, nga tetwenyigira butereevu mu lwokaano lwa byabufuzi, ate era nga tetutambulira mu nkwaawa za muzzukulu waffe yenna. Bwe tutyo bwe tujja okusobola okutaasa, okununula n'okukuuma ebyobuwangwa byaffe eby'obwebange ne bye twettanira nga Bajjajjaffe betwaasikira bwe baakola.

- Tusanze n'ekizibu ky'emmaanya y'enkoko; bwe tuba tuteeseza Buganda, nga mu lukung'aana luno Ttabamiruka, ne mu nkiiko endala ez'enteeseganya, tulina okuteesa nga tusinziira era nga amannyo tugasimbye ku byaffe eby'obwebange n'ebyo bye twettanira ng'Abaganda, so si kuteesa nga bwe twelaliikirira nti "Gundi" anaagamba atya, "Gundi" ekyo takyagala, "Gundi" yagamba bwati, n'ebirala ng'ebyo; abaffe, eyo y'eneeba emmaanya y'enkoko? "Gundi" atubobbya emitwe muganda? Katonda teyamuwa bibye? "Gundi" oba waali oba taliiwo, Nyaffe Buganda yadda, yaleero n'enkya. Kyaterekera omulamu … … …

  Ekikulu mu kino, kwe kwebaza olw'ebyo ebyatuddizibwa, ate amangu ddala, mu buvumu n'obumalirivu obwekitalo, twecwacwane n'ebisigaddeyo bituddizibwe!

Obudde bung'enzeeko, n'olwekyo ebizibu ebirala ka njabule bijabule!

- Tulina obuzibu bw'ensowole n'enkaayana mu bukulembeze bw'Ebika;
- Okutwalibwa kw'ettaka ly'obutaka bw'Ebika;
- Obunafu n'obutali bwesimbu mu kukung'anya n'okulondoola ensaasaanya y'ensimbi z'Ebika;
- Okusereba kw'ebyobuwangwa omuli n'obutajjumbira nkiiko za Bika;
- Obutabaawo nkola ya mulembe era ennambulukufu abazzukulu mwe bayinza okuyita okumanyanga ebifa mu Bika byaabwe n'okubiduukirira mu by'ensimbi n'emikolo;
- Obutabaawo nteekateeka eyaawamu ey'omulembe egenderera okubangula n'okugunjula abakulembeze ab'emitendera egy'enjawulo basobole okuyigirizibwa n'okutendekebwa mu nzirukanya y'emirimu egy'obuvunanyizibwa mu Bwakabaka bwa Buganda;

Wano wenneebaliza ne ssekwebaza yenna Ssaabasajja Kabaka Ssaabataka olw'okututeerawo emisomo ng'ayita mu kitongole kye ekya Kabaka Foundation ekyayigiriza abantu babiri okuva mu buli kika ebikwata ku kussaawo ensawo ez'ensibo mu Bika (Trust Funds.) Emisomo egyo gyagenda bulungi nnyo era gijja kutugasa nnyo mu "capacity building" eyeetaagibwa ennyo mu Bika byaffe.

Ekitongole kya Ssaabasajja Kabaka ekirala ekya BDA – Buganda Development Agency - n'akyo tukirinamu essuubi lingi nnyo naddala mu kuyamba Ebika okuwandiika project proposals ne mu kussaawo ensawo ez'ensibo ezinaayamba Ebika byaffe okwegobako obwaavu ng'ate tuli bagagga ffugge singa twekolamu omulimu omutuufu era ogwamaanyi nga tugukola n'obwesimbu.

Omutwe 5. EBYETAAGISA

Tuteekeddwa okunyweza n'okutuukiriza ebyobuwangwa byaffe byonna omuli obulombolombo n'emikolo egy'enjawulo nga tugoberera ebyo ebyakakasibwa Bajjajjaffe abazira abaatusooka, abaasobola okukolerera Ekitiibwa kya Buganda ne bakikuuma mu biseera ebyaali ebizibu okukira ebyaffe kaakano - ffe abalina n'amamotoka, amasimu n'ebirala ebiring'ebyo ebigonza obulamu. Biki bye tukozeewo ffe abaana ba leero?

Ekirala ekyetaagisa okusobola okutwaala Buganda mu maaso nga tutumbula embeera zaffe mu bulamu obwa bulijjo, kye ky'okusooka okwetegeera. Okwetegeera kitegeeza okumanya kiki kyetuli era n'obuvunanyizibwa bwaffe.

Ekyo bwe kiggwa, tusaanidde okumanya bino wammanga:

- okumanya obusobozi bwaffe n'obunafu bwaffe;
- okumanya enjawulo wakati w'ebyetaago ne bye twegwanyiza oba bye twegomba obwegombi;
- okumanya ekyo kye twagala tubeere tusseewo n'enteekateeka ezitusobozesa okutuuka ku bye tuluubirira oba bye tugenderera;
- okumanya eby'omugaso ebitwetoolodde n'emikisa gye tulina;
-Tusaanidde okubeera n'okukkiriza n'obumalirivu n'okwenyumiriza mw'ebyo bye tutuuseeko, wamu n'okukozesa obukugu, amagezi, empisa n'obugumiikiriza mu byonna bye tukola;

Ekirala ekikulu ennyo kumpi okukira ebirala byonna ebyetaagisa, kwe kufuba okulaba nga abakulembeze baffe ab'emitendera egy'enjawulo, abavunanyizibwa okussa bye tuluubirira mu nkola, balina ebisanyizo bino wammanga.

Abakulembeze baffe ab'emitendera egy'enjawulo mu Buganda bateekeddwa:

- okutya Katonda ne Kabaka;
- bateekeddwa okubeera abeesigwa, abaamazima nga beesimbu tebakyukakyuka, tebakumpanya era nga tebabuzaabuza;
- bateekeddwa okubeera abakakkamu nga si baluvu, kubanga obuluvu buzaala obutali bwesimbu;
- bateekeddwa okwekengera abalabe baffe, naddala abalabe abatuliira munda, era babeewalenga mu ngeri ey'amagezi;
- bateekeddwa okubeera abalabufu nga tebamala gabuguumirira mu buli kimu;
- bateekeddwa okukunga bebakulembera nga batema empenda ez'okwegatta tukolere wamu mu bumu okusobola okusitula omutindo gw'embeera zaffe;
- bateekeddwa okwebuuza n'okunoonyereza;
- bateekeddwa okubeera n'obwegendereza n'okuwuliriza abalala;
- bateekeddwa okubeera ne kkomo oba okumanya obuyinza bwaabwe webutandikira ne webukoma ku buli nsonga;
- bateekeddwa okubeera n'emmizi nga teboogera buli kye bamanyi oba kye bawulidde kubanga kyakabi nnyo;
- bateekeddwa okutuukiriza, okusalawo, okukuuma ebiseera n'ebyama, okugabanya emirimu, okutabaganya, okukkaanya n'abalala, okukola ennyo n'okukuuma ebiwandiiko.

Abakulembeze abalina ebisaanyizo bye mmenye waggulu, n'ebirala bye ssimenye olw'obudde, be bokka abajja okusobola okuggya Buganda mu katyabaga.

Byonna ebyetaagisa okuggya Buganda mu bunnya tusobola okubifuna nga tuyita mu Bika byaffe singa Ebika tubifuula yingini eneetambuzanga ebyenkulaakulana n'ebyokwezza obuggya mu Bwakabaka bwa Buganda.

Abaweereza ba Ssaabasajja Kabaka singa n'abo balondebwa okuva mu bazzukulu baffe be tukakasizza era betumanyi nti bakoledde nnyo Ebika byaabwe, kiyinza n'akyo okutuyamba ennyo mu nsengejja y'ebisanyizo by'abakulembeze be twetaaga okutwala Buganda mu maaso.

Ekyetaagisa ekirala, tusaana tukkirizenga era tuwagirenga enkyukakyuka ezigendererwa okuleetawo obumu n'okugenda mu maaso mu mbeera z'abantu b'Omutanda. Okugenda kwaffe mu maaso kujja kusinziira nnyo ku ngeri gye tunaayanirizangamu enkyukakyuka ez'omugaso era nga bwe tuganyulwa okuva ku musingi omugumu ogwalekwaawo Bajjajjaffe. Ekikulu mu kino kwe kusooka okunnyonnyola obulungi enkyukakyuka ezo mu budde obutuufu abantu ba Ssaabasajja ne basooka bazitegeera ne zinnyikira bulungi.

Kino era kye kiseera okwekubira enduulu eri Katonda Ayinza Byonna eyatutonda n'atuwa Kabaka waffe, n'atuwa Eggwanga lyaffe, n'atuwa n'ebyaffe byonna omuli ennono, olulimi oluganda n'ebirala. Ekitiibwa kya Buganda kyava eri Katonda, kyava dda, naffe tukikuumenga.

Abazzukulu, musaana mugende mu masinzizo gonna mu nsi yonna ne ku butaka bw'Ebika byammwe muwaabe ensonga zonna eziruma Obuganda. Obuganda bwonna bulaajanire wamu mu kwegayirira Katonda atubeere Ssaabasajja Kabaka afuge Obuganda bwonna naffe nga tumwesiga. Ffenna Abaganda tulaajanire wamu nga twegayirira Katonda atubeere ebyaffe byonna ebyobwebange ne bye twettanira era bye tubanja bituddizibwe. Katonda tumwegayirire atubeere nga n'embiro kwe tutadde: abaana ba leero tulwane okukuza Buganda, nga tujjukira nnyo Bajjajja baffe abaafiirira ensi yaffe. Obwo bwe bulambe bwaffe.

Mu nkola ey'okwekulaakulanya n'okwezza obuggya nga tuyita mu Bika, ku lwaffe tujja kutandikira waggulu mu ffe Abataka Boobusolya Abakulu b'Ebika, tulabe nga mu bwangu ddala twekolamu omulimu ogwamaanyi tubeerere ddala ekyokulabirako ekirungi era ekyomugaso eri bazzukulu baffe be tukulembera. Twaguddewo dda Wofiisi y'Abataka Boobusolya mu Bulange gye tusuubira nti ejja kutuyamba nnyo mu kukwatagana ne bazzukulu baffe abali munda n'ebweru wa Uganda. Tujja kwetaaga okuyunga wofiisi yaffe eyo ku mukutu gwa internet (website ne email) tugonze mu byempuliziganya awamu n'ebya "accountability" oba

enyingiza n'ensaasaanya y'ensimbi ezinaakung'anyizibwanga wofiisi y'Abataka Boobusolya.

Tuteekateeka n'okutandikawo Trust y'Abataka kitusobozese okutambulizaamu projects ezinaayingizanga ensimbi mu ggwanika lyaffe ely'Abataka, naffe tutuuke ekiseera tube nga twemalirira mu by'ensimbi okusinga okusabiriza buli kimu buli kiseera. Project gye tusuubira okutandika n'ayo ya kizimbe "Abataka House" kye twandyagadde mwenna mutusondereko, nga ezifunikawo zetussaako ku site okutuusa nga kiwedde. Abataka kasita tuneetengerera mu by'ensimbi, omulimu gw'okutumbula embeera z'abazzukulu nga tuyita mu Bika byaffe tujja kuba nga tugugonzezaamu.

Eky'okuggulawo wofiisi oba secretariat ne trust y'Abataka eyaawamu, tekitulobera kuggulawo zi wofiisi ne trusts mu buli Kika. Waliwo ebyetaagisa okukolera awamu, Abataka fenna nga tuyita mu Lukiiko lwaffe olw'Abataka Boobusolya, ate ne wabeerawo ebirina okukolebwa mu buli Kika butereevu.

Amangu ddala nga website y'Abataka ewedde okuteekebwawo, tujja kubasaba mujikeberengako byonna ebikwata ku Bataka n'Ebika byaffe mubisang'eng'okwo. Oba nga waliwo abazzukulu bonna abayinza okutuyamba mu kuggulawo website ne mu kutandikawo trust y'Abataka wamu n'okuteeka ebyeetagisa ebirala mu wofiisi yaffe ey'Abataka, tujja kubasanyukira nnyo nnyini ddala.

Omutwe 6. OKUWUMBAWUMBA

Mmaliriza nga mbakubiriza bazzukulu baffe mwongeremu nnyo amaanyi mu kukola emirimu gyammwe mufune ensimbi ezinaatusobozesa okukulaakulanya ettaka lyaffe eliri mu lusuubo. Mwongere n'okujjumbira n'okusuuta Ebika byaffe, tunyweze ebyobuwangwa byaffe omuli Ebika, tulwanirire ebyaffe ebyobwebange n'ebyo bye twettanira, era twezze obuggya n'okwekulaakulanya nga tuyita mu Bika byaffe. Bwe tutaakole bwe tutyo, mbakakasa bazzukulu baffe, nti mu bbanga eritali lye wala, tujja kubeera mmomboze mu nsi yaffe.

Abataka tuddamu okuwera mu maaso ga Magulunnyondo Lukomannantawetwa Muzzang'oma, n'okukakasa bazzukulu baffe mu nsi yonna nti okufa n'obutanyagwa tujja kulwanirira Obwakabaka bwaffe awamu n'ebyaffe byonna eby'obwebange omuli ettaka, ebibira, obutonde bw'ensi, enfuga eya Federo, n'ebirala eby'obusika bwaffe obwatukwasibwa Bajjajjaffe ku lw'abazzukulu baffe mmwe abaaleero, n'abenkya.

Twebaza nnyo nnyini ddala bazzukulu baffe mmwe mu Amerika abatusondeddeko ensimbi ezaasasudde tikiti yange ey'ennyonyi awamu n'ensimbi za wooteeri, entambula n'ebirala ebigenderako. Mwebale nnyo mwebalege, tusiimye bwongerwa.

Ku lw'Abataka Boobusolya Abakulu b'Ebika mu Buganda, mbaagaliza olukung'aana olulungi, luveemu ebibala ebinaatusobozesa okukuuma ekitiibwa kya Nnyaffe Buganda eyedda, leero n'enkya.

Mukama abakuume.

AWANGAALE SSAABASAJJA KABAKA SSAABATAKA.